# »Entabula erongooseddwamu ey‘eddagala erigema, Enkwata N‘enkuba y‘eddagala eryo- Ente z‘amata«

Obulamu bw‘ensolo busigala nga kintu kya mugaso ekisinziirwako omutindo n‘obungi bw‘ebyo by‘ofuna mu bifunibwa mu nsolo.

Nga okukola obulungi okw‘eddagala erigema bwe kusinziira ku busobozi bw‘ensolo okubaako ky‘ekyuukako olw‘eddagala, entabula entuufu, enkwata n‘enkuba y‘eddagala. kya mugaso okwebuuza ku musawo w‘ebisolo okuziyiza endwadde ezikwata ente.

## Enkwata y‘eddagala erigema

Ekisooka, toteeka ddagala mu musana, mu bbugumu, mu bunnyogovu obuyitiridde oba mu butiti era litereke okusinziirra ku ndagiriro eriwandiikiddwako. Bw‘obeera w‘okunira ente eddagala, teeka empiso mu kifo ekiweweevu era weewale okulikuba ente nga mbissi, oba nga ebbugumu lisukkiridde.

Mu ngeri yeemu, tabulira wamu eddagala eriri mu bucupa obubiri obusangiddwa mu kibookisi okuzuukusa ekirungo ekyongera amaanyi mu basirikale b‘omubiri era mu mbeera eyo, kozesa empiso gy‘otabuza eddagala eteriiko buwuka okwewala obujama okuva ku ddagala eddala erigema. Teeka empiso gy‘otabuza eddagala mu kacupa aka ppulaasitiika nga ogiyisa mu kasaanikira aka labba, wunzika akacupa ka ppulaasitiika oteeke emabega w‘empiso etabula eddagala mu kasaanikira aka labba ak‘akacupa aka ggiraasi. Empewo mu kacupa ak‘eggiraasi ejja kuyiwa eddagala eriri mu kacupa aka ppulaasitiika.

Nga omaze okukyusa, ggyamu empiso gy‘okyusisa eddagala okuva mu kacupa aka ppulasitiika era onyeenye akacupa mpolampola

okutuusa eddagala bwe lyetabula. Tonyeenyesa maanyi mangi anti kino kikosa ebiri mu ddagala erigema era okuziyiza kino, laba akabookisi mwe lijjira akalina ebikwata ku kigero n‘engeri y‘okukubamu eddagala.

Okwongereza ku kutandika, kozesa omukono gumu okuwunzikira oludda akacupa ak‘eggiraasi, kwatira empiso mu mukono omulala okufumita empiso mu makkati g‘akasaanikira aka labba mu kacupa k‘eddagala eritabuddwa okusikamu ekigero ky‘oyagadde era nga omaze okulisikamu, ggyamu empiso mu kacupa era osindike eddagala erimu nga empiso etunudde waggulu okuggyamu empewo ey‘obulabe eri ensolo ereetera okukuba ensolo ekigero ekitali kituufu. Siba bulungi ensolo era nga okuba empiso ey‘okukuba wansi w‘eddiba, laba w‘ogenda okugikuba awalina okuba awayonjo era ewatali bukyafu bwonna era okozese empiso empya. Teeka akasiikirize ku nsingo y‘ensolo, teeka empiso awali akasiikirize obuteekiiika mu kinywa, kuba eddagala, ggyamu empiso, ta eddiba ly‘ensolo era olambe ensolo egemeddwa.

N‘ekisembayo, oluvannyuma lw‘okugema, longoosa empiso nga okozesa amazzi ageesera era tokozesa ddgala eritta obuwuka. Okukola obulungi, eddagala lyonna eddongooseemu erigema lirina okukozesebwa mu ssaawa emu okuva lw‘olitabudde era nga omaze, suula empiso okusinziira ku ndagiriro.